**22nd January 2017.**

# OKUSOOMOOZEBWA KW'OBULAMU OBW'OBUTEKKIRIRANYA.

**(The challenge of an uncompromising life.)**

**Danyeri 1:1 – 8.**

Nga tumaze okuweebwa ennyanjula bbiri nnambirira ku kitabo kyaffe kino, ekya Danyeri, ottuwa obukulu bw'akyo, mwe twalaba bwe ky'olesa ekitiibwa n'obuyinza bwa Mukama Katonda waffe, ng'omulamwa omukulu mu kkyo, nate ate ne twongerwa n'ennyanjula y'obukakafu bw'akyo, mazima nkiwa nti tuli beetegefu okusomesebwa mu kkyo, mu ngeri Omwoyo wa Mukama gy'anaayogerera ddala gyetuli mu byonna mu buli lunnyiriri lwa buli ssuula, obulambukufu bw'okubuulilirwa bwa Mukama.
[Ssiggya kkoowa kubakubiriza kuba basomi beetegerevu, abajja ne baibuli zammwe. Awamu ne byemuwandiisa muwandiike ebikulu gyemuli mu misomo gyaffe, olwo tuyigirizibwe mu ngeri ezannamaddala, ezireetera okukyuusibwa kw'obulamu bwaffe.]

Tusome nga bwe gwaali mu ntandikwa, nga bitutotolebwa mu buntu obw'okusatu (narration of the third person)……nny.1,2.

- Yekoyakimu , yali ateekeddwa mu bufuzi bwa Yuda, Falaawo wa Misiri, abaali babatwaala nga babasasuza emisolo, era obulumbaganyi buno obwasooka , Abababulooni baali mu kuwolera ggwanga, mwe baasookera okulumba Yuda, mu kiseera kino nga Isirayiri ey'omwambuka yali yawambibwa dda Abasuuli, olw'obujeemu bwabwe obuyitirivu eri Mukama, n'obutawulira bwabwe eri okulabulwa kwonna.
- Bino byaali byaalangwa dda ne nabbi Isaaya emyaka nga kikumi nga tebinnabaawo, mu Isaaya 39:5-7.
- Mukama kaakano yawaayo Yuda eri Abababulooni, ssi kutuukiriza bunnabbi kyokka, wabula olw'okusinzanga ennyo bakatonda abalala, era n'obutawa nsi kiwummulo eky'omwaka okumala emyaka 490, nga bwe baalagirwa mu mateeka ga Musa. Buno bwe bwaali obulumbaganyi obwasooka mu 605, era kwaddibwaako okwa 597, ne mu 587...(Yeremiya).

Nnny.3 – 5……
Kwaali kuyiiya kwa Nebukadduneeza, okuba ng’asobola okukkakkanya abaali balekeddwa e Yuda, batabani baabwe okutwaalwa e Babulooni, era n’okubakozesa ng’abalaawe mu by’obufuzi bwa’amatwaale ga Babulooni yonna.

Nnny.6, 7…….
Baaweebwa engigiriza, emmere, n’amannya by’ebbabulooni……..
Nga bwe guli ebiro bino, ffenna abalonde ba Mukama okuweebwa engigiriza z’ensi……….
Tuli mu kuliisibwa eby’ensi, ottumatiza, era ottusanyusa, tuyitike…..
Tutuumibwa amannya ensi, ne tulimbwalimbwa okuggibwa ku kki Mukama kyatuyita, okusinziira mu kigambo kye.( Amannya agaabaweebwa gonna gaalina akakwaate ku bakatonda b’ebbabulooni.)

Lnny 8…….
Tebaafaayo kki kye baagezaako okubayigiriza, kuba baasalawo babe beegendereza, nga bakakafu kki kye bakkiririzaamu.
Tebaafaayo mannya agaabatuumibwa kubanga baali bakakafu kki kye baali.
Era ebyo bikakasibwa bumalirivu bwaabwe obuteeyonoonyesa na mmere na wayini ebyavanga ku mmeeza ya kabaka.
Wano we bassa omussittale, naye tebeekyanga kwekalakaasa, wabula nga Yakobo 3:17,18 bwe zigamba baakozesa amagezi ag’obwakatonda……..

Obukulu bw’obuteeyonoonesa bwaviiradda mu mateeka Mukama ge yawa Isirayiri okubaawula ku mawanga amalala, olwo kibe nga ffe bwe kitugwaanidde, nti wadde tuli mu nsi tetuli b’ansi...II Kkol.7:1….[laba 6:17]
Emmere teyali ntukuvu, era ng’ewongeddwa eri bakatonda b’ebabbulooni.

Tekyaali kyangu; okusooka Kabaka yennyini yeyali alangiridde menu…
Obutakigondera bwandilabise lwaatu nga bujeemu, obubonerezebwa.
Baali wala okuva eka, era mu bakulu baabwe.
Bandiwulidde nga Mukama eyabalekerera. N’emmere yali mpoomu…
Naye Danyeri ne banne baali bamalirivu obutekkiriranya – obuteeyonoonesa